

**05<sup>th</sup> January 2020.**

**YE MWESIGWA ERA ATUUKIRIZA OKUYITIBWA KWAFFE.**

**I Abasessaloniika 5:23 – 28.**

Tweebaza nnyo Mukama abukeezezza gye tuli amakya ga leero mwe tutuusibbwa ku ntandikwa y'omwaka omujja ogw'e2020 era ekyaasa ekijja.

Leero tukomekkereza okusomesebwa kwaffe kwe twatandika omwezi ogwaggwa mu mulamwa omukulu Gw'okubaawo mu ssuubi ly'obulamu obutaggwaawo' (Living in light of Eternity), n'okuwumbwawumbwaako n'ekitundu eky'ansikiriza eri omusomo guno gwonna kye tunaalaba wansi w'omulamwa gwaffe ogw'okuba nti 'Ye mwesigwa era atuukiriza okuyitibwa kwaffe.'

Mu bufunze, twaakiraba, era ne tukakasibwa okusooka nti "Tuli baana ba musana era abaana b'obutangaavu, ekitugwaanyisa okuba n'empulira y'okubeera kye tuli (sense of belonging). Ne tulaba ebyo byetugwaanidde okkola, endowooza n'empisa awamu n'endabika ebitugwaanidde okubeera kye tuli, tuleme kuba kye tutali, olwo ne tuweebwa ensonga enkulu ey'ebyo byonna waggulu. Kubanga omuntu w'aweewwa 'ensonga lwaki', ey'ebyo ebirina okuba ebikulu mu bulamu bwe, kimuwa okutegeera amakulu g'ebyo ebimweetaaza, n'afuna obukakafu ng'abiluubirira. Ensonga eyali nti Mukama yatulonda okutulokola ng'ayita mu Mukama waffe Yesu Kristo, eyatufiirira ka tube nga tuli balamu oba nga tufudde, tulyoke tubeere balamu wamu naye. Ekyaatuzza mu kufuna okubuulirirwa eri obutuukirivu, twewalenga buli ngeri ya kibi. Mwe twaasooka okumanyisibwa obuweereza bwe tuweerezegana ng'ab'oluganda(famire), y'abo abakkiririza mu Mukama waffe Yesu Kristo, atwaagaza obumu, nga bw'alina ne Kitaffe, olwo tubeere wamu naye oba nabo(Katonda obusatu mw'omu) lubeerera. N'omulundi ogwaggwa ne tulaba enkola z'okusinza mu kweyongera okwewaayo eri Mukama Katonda waffe,

Ng'akommekkereza ebbaluwa ye eno eri Abasessaloniika n'era gye tuli, Omutume Paulo yasaba Mukama Katonda, nga bwe yali yabagamba mu ntandikwa mu ssuula 1:2 "Bulijjo twebaza Katonda ku lwammwe mwenna era tubasabira obutayosa," ng'agamba nti .....[Inny 23,24]

Olw'okuba, mu kulaba okwange, okubaawo kwaffe mu ssuubi ly'obulamu obutaggwaawo nga bwe twaateekerwateekerwa kyatulonderwa Mukama Katonda waffe, era nga mu II Abasess. 2:13-17 bwe kyalambikibwa nti kitugwanidde

okwebazanga Katonda enaku zonna mu Mukama waffe, kubanga Katonda yatulondera obulokozi okuva ku lubereberye, ng'atutukuza olw'okukola kw'Omwoyo n'okukkiriza amazima, ge yatuyitira ng'ayita mu njiri tulyoke tufune ekitiibwa kya Mukama waffe Yesu Kristo. Era n'olwekyo tunywererenga ku ebyo bye tuyigirizibwa mu byawandiikibwa ebitukuvu. Kale Mukama waffe Yesu Kristo yennyini, ne Katonda Kitaffe eyatwagala n'atuwa essanyu n'essuubi eddungi olw'ekisa kye, atuzzeemu amaanyi, era atunywezenga mu buli kye tukola ne mu buli kigambo ekirungi.”

Ki tubuulirwa mu Bafiripi 2:12,13 nti “N'olw'ekyo abaagalwa, nga bwe muli abawulize bulijjo nga ndi nammwe, kaakano nga bwe siri nammwe mube bawulize nnyo n'okusinga bwe mwali. Munyiikirenga okukola ebiraga nti mwalokolebwa, nga mutya era nga mukankana. Kubanga Katonda y'akolera mu mmwe, era y'abaagazisa n'abasobozesa okukola by'ayagala, olw'okumusanyusa.”

Bwe bweetaavu bw'okusabanga Katonda ow'emirembe atutukulize ddala, era emwoyo gyaffe gyonna, n'emmeeme zaffe n'emibiri gyaffe, bikuumibwenga nga tebiriiko kya kunenyezebwa okutuusa ku lunaku olw'okujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo. Kubanga ye mwesigwa era abituukiriza, kubanga ffe abaayitwa ne bwe tugezaako ennyo tutya tukimanyi nti ku bwaffe tetumalaako na maanyi gaffe. Naye nga bwe tubuulirwa mu Timoseewo nti ne bwe tulemererwa ne tutaba beesigwa, ye teyegaana mbala ye, asigala mwesigwa gye tuli.

Tukimanyi nti Yesu Kristo akomawo okunona abalonde be nga tebaliiko bbala wadde lufuniro, tulina kweewaayo gyaali nga bwe tubuulirwa okuba saddaaka ennamu, atuggyemu buli bbala na buli lufuniro, atusaanyize, tusingizibwe mu kubeerawo kwa Mukama Katonda waffe mu kitiibwa ekitulabisa nga Yesu kennyini bwaali.